**19th May 2019.**

# AMATEEKA N'OKULUŊAMIZIBWA KU BY'OBUYONJO N'EBY'OBULAMU. I

**Eby'Abaleevi 12,13.**

Essuula ennya ze tunaddako okusomesebwaamu mu kitabo ky'Eby'abaleevi zikwatagana n'ebiragiro awamu n'okuluŋamizibwa kwa Mukama eri Isirayiri ng'ayita mu Musa ku bweetaavu obwaali bubagwaanidde okubaamu obulungi mu mbeera z'eby'obuyonjo n'eby'obulamu(hygiene and health).

Ekindaga nze nti Mukama afaayo nnyo era ayagaliza buli omu ku bantu be okuba obulungi mu mbeera zaabwe ez'eby'obulamu bwaabwe obwabulijjo obw'omumubiri.

Engeri gye kiri nti enkulaakulana ze tulina mu biro byaffe leero ssi ze zaaliwo ebiro ebyo, mu bujjanjabi awamu n'eby'obukuumi bw'obuyonjo eri emibiri n'ebikozesebwa abantu ku mibiri gyaabwe okutangira endwadde na ddala ezibunyisibwa amangu. Mukama yawa ebiragiro eri bakabona okuba ng'ab'eby'obulamu bw'abantu olwo baleme kulabirirwa bulabirirwa mu by'omwoyo n'emmeeme, ky'okka n'emibiri mwe bibeera.

Tusome essuula 12…..

Okuyiika kw'omusaayi mu kuzaala kwabeesa omukazi obutaba mulongoofu nga bw'atabeera mulongoofu ng'ali mu kiseera ky'okulwala kw'abakazi okwa buli mwezi. Mu ngeri okubayamba okwaawulwa bawonyezebwe bulungi mu kulaba okwange ekyabayambanga okuba abalamu obulungi okkola eby'obuvunaanyizibwa byaabwe nga ssi bakosefu mu ngeri yonna.

Okutangirirwa kwa bannakazadde bano nkiwa kwaali kugendererwa kujjayo kujjukirwa kwa mbala ya kibi ey'obuntu eyaliwo mu buli omu, nti ate kaakano waliwo omulala aleeteddwaawo akirina.

Zabb. 51:5 "Ddala, nazaalibwa mu kibi; kasookedde ntondebwa mu lubuto lwa mmange ndi mwonoonyi."

Mu Lukka 2:22-24 tubuulirwa nga bazadde ba Yesu bwe baabituukiriza bino wadde nga Yesu teyalina mbala ya kibi mu yye n'akatono……. "Awo ekiseera bwe kyatuuka Maliyamu okugenda mu Yeekaalu atukuzibwe, ng'amateeka ga Musa bwe galagira ne batwala Yesu e Yerusaalemi okumuwaayo eri

Mukama. Kubanga mu mateeka ago, Katonda yalagira nti, "Omwana omubereberye bw'anaabanga omulenzi, anaaweebwangayo eri Mukama."
Era mu kiseera kye kimu bakadde ba Yesu ne bawaayo ssaddaaka amateeka nga bwe galagira okuwaayo amayiba abiri oba enjiibwa bbiri.
Nga bwe gwaali nti tebaali bagagga….

Tusome Essuula 13…..